| Essomo 1 | الدرس الأول |
|---|---|

# Okulamula okukwata ku lunaku lw'enkomerero

Mazima mubikolo byobukiriza nempagi zabwo omukaaga mwemuli okukkiriza olunaku lwenkomelero. Omuntu tasobola kubeera mukiriza nga takkirizza ebyo byeyajja nabyo omubaka mukitabo kya Allah nebyo ebyakakata okuva mu sunna z'omubaka (SAW) kubikwata ku lunaku lw'enkomerero.
Mazima okumanya obikwata kulunaku lw'enkomelero nokuyitiriza okulujjukira kikulu nnyo olwokuba okulongooka nokugunyweza nga gunywerera ku ddiini ya Allah.
Kuba omutima tegukakanyala nakubbinkira mu byonono okujjako ekireeta ekyo kubeera kugayaala nabutajjukira lunaku lwa nkomerero olwo n'ebizibu ebirurimu, ebyo Allah byeyayogerako n'agamba mu sulatu Zumara 17

Agaba Allah nti: ***"Ngeliki gyemunamutya Allah bwemuba muwakanyizza olunaku olugenda okufuula abaana abato abakadde abameze envi".***
Era n'agamba Allah mu suratu Hajj aya 1-2

Agamba Allah nti: ***"Abange mmwe abantu mutye omuleze wamwe mazima ekiseera kyokukankanyizibwa kw'ensi kigenda kuba kintu kizito nnyo kinene nnyo, olunaku lwe mulijiraba kiyama nga buli ekiyonsa kyelabidde kyekiyonsa, era buli ekiri olubuto kirizaala ekyo ekikiri munda, agenda kulaba abantu nga batamidde so baliba tebatamidde lwakunywa bitamiiza naye ebibonerezo bya Allah ebiruma ebyamaanyi"***
Okufa yenkomerero ya buli kintu ekiramu munsi eno. Agamba Allah mu surat Arrahuman aya 26 nti.

Agamba nti ***"Buli kyonna ekigiriko kyakusaanawo".***
Era Allah yagamba ne nabbiwe (SAW) nti:

***"Mazima gwe oli mufu (oli waakufa) era nabo bafu (amakulu baakufa).***
Tewali agenda kubeera kunsi kuno mirembe namirembe mubantu nomu era nga bwagamba Allah mu surat An-biyae 34 egamba nti.

Agamba Allah nti: "Era tetwakolayo muntu olubereberye lwo nga ye wakuwangala kunsi butavaako songa ojja kusanga obubonero nga nemubwo mwemuli.
1. Mazima abantu asinga obungi bayayaana kunsonga yakufa ewamu nokubeera nga nsonga nkakafu teli muntu ayinza kujibuusabuusa, nolwekyo kikakata kubuli musiraamu okuyitiriza ennyo okujijjukira n'okukwetegekera, okubeera nga yesibirira entanda muduniya muno enemuyamba kunkomereroye nga nayo kwekubeera nga akola emirimo emirongofu nga omubaka (SAW) bwagamba mu hadiith eyawandiikibwa Imaan Ahmed nti:

Agamba (SAW) nti: ***"Mwettanire (mwenyagire) ebintu bitano nga bitano tebinnaba kubatuukako; obulamubwo nga okutawaana ennyo tekunakujjira, obuvubukabwo okubukoleramu ngobukadde tebunakujjira, obugaggabwo nga obwavu tebunakujjira….."***
Era omuntu asana akitegeere nti omufu tayina kyagenda nakyo mu kabbuliye mubino ebintu byedduniya wadde akatono. Wekuumire nnyo kumirimo emirongofu egyo egigenda okufuuka ensonga y'okwesiima kunsi nekunkomerero obulamu obwolubeerera.